# UNEB eyongezzaayo ennaku z'okuwandiika aba P7, S4 ne S6

EKITONGOLE ky'ebigezo mu ggwanga ekya UNEB kyongezzaayo ennaku ez'okuwandiisa abayizi aba P7, S4 ne S6 abagenda okutuula ebibuuzo byabwe eby'akamalirizo ebya UNEB.

Kati abayizi aba P7, S.4 ne S6 UNEB etaddewo nsalassale wa June 30, 2026 nga bonna bamalirizza emisoso gy'okwewandiisa.

Akulira UNEB, Dan Nokrach Odong yasinzidde ku Media Center mu Kampala ku Lwokutaano n'agamba nti, kino bakikoze okusobola okuwa omwagaanya abayizi mu masomero agaakafuna 'centre number' okwewandiisa.

Kyokka abayizi abanaawandiisibwa ekikeerezi ddala, kijja kuba kibakakatako okusasula engassi ya bitundu 100 eri aba P7 n'engassi ya bitundu 50 eri aba S4 ne S6.

Bano baakuwandiisibwa okuva nga July 1, okutuusa July 31, 2026.

Odong yalabudde amasomero agongeza ebisale bya UNEB n'awa abazadde amagezi okwekubira enduulu mu mbuga z'amateeka ssinga essomero libasaba ssente z'okuwandiisa abayizi ezisinga kw'ezo ezaalambikibwa ekitongole kya UNEB.

Yagasseeko nti, ssinga omuzadde akuloopa ggwe nnannyini ssomero oba omusomesa ne gukukka mu vvi, obeera oyolekede okusasula engassi etesukka bukadde 40 oba okusibwa emyaka egitasukka 10 ate nga ne ssente ze wasolooza ku bazadde obeera olina okuzibaddiza.



Dan N. Odong

N'agamba nti, n'ab'amasomero abakumpanya ssente z'okuwandiisa abayizi ne batabawandiisa, kaakubajjuutuka.

Odong yakkaatirizza nti Gavumenti yaakusigala ng'esasulira abayizi baayo bonna abali mu masomero ga bonna basome ebisale bya UNEB.

Ssente ezaalambikibwa ezirina okusasulibwa abayizi mu masomero ag'obwannannyini ziri; 34,000 eri aba P7 abagenda okutuula PLE, aba S4 basasule 164,000/- ate aba S6 186,000/-.

Abazadde n'abasomesa bakubiriziddwa okufaayo okulaba nga abayizi amannya ge bawandiisa geego agali ku satifikeeti zaabwe ez'obuzaale oba ku mpapula za NIRA.

Abayizi abanaaba baliko bye beetaaga okukyusa mu bye bawandiise nga ekiseera kye bongeddwa okwewandiisa kiweddeko, bajja kusasula engassi ya 50,000/- ku buli kye beetaaga okukyusaamu.

Abayizi abagenda okutuula ebigezo bya UNEB eby'omulundi guno beebo ab'ekibinja ekyokusatu ekya 'curriculum' empya era bajja kuba beetaaga okulaga lizaati ze baafuna mu S3 zigattibwe wamu ku z'akamalirizo olwo UNEB ebakolere satifikeeti.

Ate bo abayizi abalina lizaati okuva mu nsi z'ebweru nazo ziteekeddwa okuddizibwa mu za Uganda olwo balyoke bawandiisibwe.